# OMUZANNYO NAMULANDA

**GUFUNZIDDWA ABAKUGU:**

*Muwonge Vincent Ne Lutaaya Denis*

*Basomesa Makerere University ne Blessed Sacrament Kimaanya*

**0703-993545/0783-026030**

## MULIMU EBIBUUZO N'EBYOKUDDAMU BYABYO

## (Bw'ova ku Bino Olyejjusa Wekka!)

## EKIFAANANYI KU DDIBA

Ekifaananyi ku ddiba kitwoleka ebigere ebigenda byegoberera okulaga nti waliwo engeri ensonga gye zigenda zirandamu okuva ku muntu omu okudda mulala oba ensonga okutandika ng'ez'olusaago ne zimaliriza nga zizadde ebizibu eby'amaanyi.

**Abazannyi abali mu muzannyo**

a) **abazaanyi abalagibwa obutereevu ku siteegi (bannakamwantette)**

1. Kaddulubaale ;ono ye mukyala Ssonko era maama wa Nakiwala
2. Nassaza: ono ye mukyala Ssonko era maama wa Nakiganda
3. Ssonko: ono ye mukoddomi wa Kangaawo era bba wa Nassaza ne Kaddulubaale.
4. Kangaawo: ono ye mwami wa Kabaka Ssemakookiro era bba wa Nakiwala
5. Makamba: ono ye bba nakiganda asooka okumuwasa
6. Bbuuza: ono mumbowa mu lubiri ewa SSemakookiro
7. SSemakookiro: ono kabaka atwala o Buganda mu kiseera ekyo
8. Nakiwala: ono muwala wa Ssonko era mukyala Kangaawo
9. Nakiganda: ono mukyala Makamba era muwala wa Ssonko

b) **Abazannyi aboogerwako (Bakyesirikide)**

Bano be bazannyi abatalabikako ku siteegi nga boogerwako bwogerwa era be bano:

1. Omulangira Kamaanya ; ono mutabani wa kabaka ssemakookiro era abeera mu kisaakate ewa Kangaawo/alindiridde okulya obuganda
2. Ndwaddeewazibwa ono mukyala wa kabaka ssemakookiro era mwannyin wa kKangaawo (pg55)
3. Kabaka Mwanga
4. Nkunnumbi: ono kojja wa kabaka mwanga era eyamutta (pg 55)
5. Miiro: ono muliraanwa wa Ssonko

## OMUZANNYO MU BUFUNZE

Omuzannyo Namulanda gwesigamiziddwa ku kyafaayo ekyaliwo ekituufu ku mulembe gwa Kabaka Ssemakookiro. Omuzannyo gukwata ku mwami Ssonko afumbiza muwala we Nakiganda omulundi ogwokubiri eri omwami wa Kabaka Kangaawo olwokwagala ebyenfuna/ebyobugagga. Omuzannyo gw'oleka omulugube, enkwe, ssaako n'obulimba obuli mu bantu.

## EBIFUULA NAMULANDA OKUYITIBWA OMUZANNYO

- Guweereddwa omutwe ogwa Namulanda
- Gukutuddwamu ebitundu /ebiragiba ebyenjawulo ebiwerera ddala bina (04)
- Gulimu katemba / enseko – Ssonko aseka olwokuba Nassaza ayagala okulumya Kaddulubaale (pg9)
- Gulimu abazannyi aboogera obuteerevu ku siteegi gamba nga Kangaawo, Nassaza n'abalala
- Guli mu kiseera ekiriwo anti ebyogerwako bizannyibwa mu kiseera ekiriwo.
- Mulimu obuyimba obwenjawulo obuyimbibwa ku siteegi okugeza Makamba ne Kaddulubaale bayimba Watubojja obwedda(pg 36)
- Mulimu obutontome obwenjawulo gamba nga nga Nakiwala atontoma ku bba (pg 25) nga bba bwe yamwagalanga.
- Guzannyibwa mu bifo ebyenjawulo okugeza ewa Ssonko ate ne mu lubiri ewa kabaka ssemakookiro
- Gulimu obunkenke anti NAkiganda ng'aleese omwenge ogulimu obutwa okuwa Kaddulubaale.

- Mulimu okunnyonyola ebigenda mu maaso mu muzannyo anti annyonnyola endabika y'ekifo awazannyirwa (pg 53)
- Mulimu obukuubagano – Nassaza ne Kaddulubaale , Makamba ne Kaddulubaale ate ne Nakiwala ne Nakiganda
- Gulimu entikko – omuzannyo nga guggwa nga ebintu ebyatandika nga essanyu okuwa Kangaawo Nakiganda biranda okutuuka nga bivuddemu okufa kwa Ssonko Kaddulubaale wamu ne makamba
- Gusobola okuzannyibwa ku siteegi anti ebyokweyambisa byangu okufuna nga akatebe akamagulu asatu. Embugo n'ebirala. (pg53)
- Gulimu okuteekawo olutimbe ate n'okuluggyawo naddala nga ekiragibwa kiwedde.

## OBUKODYO OBUFUDDE NAMULANDA OKUBA OMUZANNYO OMUNYUVU

1. Aguwade omutwe ogutuukirako obulungi ogwa Namulanda anti Ssonko ebyokufumbiza Nakiganda ewa Kangaawo biranda n'atuuka n'okufiirwa obulamu.
2. Ataddemu obuyimba obwenjawulo kino kyongera omulabi /omusomi okunyumirwa(pg64)
3. Omuwandiisi ataddemu obutontome obwenjawulookwongera okunyumisa omuzannyo okugeza Nakiwala atontoma ku bba.
4. Abazannyi abawadde amannya agaabulijjo agamanyikiddwa okugeza Nakiwala, nakiganda.
5. Omuzannyo agutaddemu ebitundu ebyenjawulo kino kyanguyiza omusomi okugoberera obulungi omuzannyo.
6. Akozesa olulimi olwangu/olwabulijjo kino kyanguyiza omusomi okutegeera obulungi omuzannyo.
7. Ataddemu katemba /enseko okwongera okunyumisa omuzannyo
8. Gulimu ebikwata obutereevu ku bulamu bwa bantu obwa bulijjo okugeza okufuna ebyobuko –Ssonko.
9. Atademu obunkenke obwenjawulo okugeza abasibe nga bali mu maaso ga ssemakookiro.
10. Abazannyi bawanyisiganya ebigambo butereevu ku siteegi –Kaddulubaale ne nassaza.
11. Aguzimbidde ku miramwa egitali gimu okugeza obulimba, enkwe okwagala ebyenfuna n'ebirala.

12. Omuzannyo gukwata ku kyafaayo ddala ekituufu ekyaliyo.
13. Gulimu obukuubagano obwenjawulo –Nassaza ne Kaddulubaale.
14. Asasulira bulungi abazannyi be anti Kaddulubaale bwasukka okwagala ebyenfuna awunzika afiiriddwa obulamu/annyikiddwa mu nnyanja.
15. Ataddemu ebyobuwangwa ebitali bimu okugeza okuwa ebyobuko anti Kangaawo awa ebyobuko mewa Ssonko.
16. Omuzannyo ssi muwanvu gwa kigero noolwekyo omusomi /omulabi takoowa nnyo.
17. Gusengekeddwa bulungi anti anti gutambula bulungi anti gutambula bulungi pppaka ku ntikko nga buli kyeyanjuluzza bulungi.
18. Gulimu entikko anti Kangaawo, Kaddulubaale, Ssonko, buli omu asasulira bye yakola.

## OMUTWE GW'OMUZANNYO

Omuzannyo guweereddwa omutwe Namulanda era nga gwoleka ebintu ebitandika nga ebyokusaaga oluvannyuma ne biranda ne bituuka/ne bifuukira ddala bizibu ne bituuka nokuvaamu obuzibu/ obulabe.

## ENGERI EBIRI MU MUZANNYO GYE BITUUKIRA KU MUTWE GW'OMUZANNYO

- Nakiganda okujja okulaba ku bakadde be takimanya nti bagenda kumufumbiza ewa Kangaawo
- Kangaawo okwegomba Nakiganda ngate yawasa dda Nakiwala mu maka omwo takimanya nti munaavaamu obuzibu atwalibwe ne wa Ssemakookiro.
- Ssonko ne Kaddulubaale okubika Nakiganda era ne baziika omuteteme kibaviirako okutwalibwa mu maaso ga Ssemakookiro
- Ssonko okugabira Kangaawo mukyala wa Makamba tamanya nti kinaamutwazisa ewa Ssemakookiro( pg 68)
- Kaddulubaale okuzinga omuteteme takimanya nti kinaalanda paka okutwalibwa mu maaso ga Ssemakookiro.
- Kaddulubaale okubuulira Makamba ebifa mu Maka omwa Ssonko era n'atuuka n'omumanya nti Nakiganda teyafa mulamu anti biranda paka
- Kaddulubaale okwagala ennyo ebyobugagga okuva ewa Kangaawo kimuviiramu okuttottola ebyama nga tamanyi kinaavaamu.

- Makamba okwagala okutta Kangaawo (pg 69) tamanya nti kinaalanda paka kutwalibwa mu maaso ga Ssemakookiro.
- Makamba ne Kaddulubaale okuteeka akatebe akamagulu asatu mu kisaakate ewa Kangaawo tebamamya nti kinaalanda okutuuka okunyiiza Ssemakookiro
- Nassaza ne Nakiganda okwagala okuwa Kaddulubaale omwenge ogulimu obutwa tebamamya nti kinaalanda paka ate ye Nassaza okugunywa. Era n'afa.
- Makamba okukkiriza nti yalaba ku Namulondo ewa Kangaawo tasuubira nti ebintu binaalanda paka Kabaka okulagira bamunnyike mu nnyanja
- Nassaza okukkiriza omwana we Nakiganda okufumbiwa ewa Kangaawo tamanya nti binaalanda atuuke nokufiirwa obulamu. (Pg 8).

## EBINTU EBYENJAWULO EBIVIIRAKO ENSONGA OKULANDA MU MUZANNYO NAMULANDA.

- Omululu gwebyenfuna- Ssonko okwagala ebintu okuva EWA Kangaawo kimuviiirako okufumbizaayo Nakiganda.
- Obwavu anti Makamba bwabeera omwavu bafumbiza mukyala we EWA Kangaawo ekivaamu obuzibu obulabe.
- Okulemwa okuwa amaka ekitiibwa Ssonko ne Kangaawo bwe balemwa okuwa amaka ga Makamba ekitiibwa ne bafumbiza Nakiganda news Kangaawo.
- Obuggya mu bakazi anti yensonga lwaki Nassaza akkiriza Ssonko afumbize Nakiganda omwa Kangaawo okusooka okulumya Kaddulubaale
- Obutemu Nassaza bwayagla okutta Kaddulubaale nobutwa kiranda anti awunzika ye yabunywedde era nafa.
- Obutamatira Kangaawo tamatira na Nakiwala gwe yafuna ate ne Nakiganda amwegomba ekivaako ebizibu byonna ebiddirira.
- Okwagala okuwoolera aggwanga Makamba bwayagalanokwesasuza Kangaawo awunzika naye afunye ebizibu.
- Okulemwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa Makamba bwalemwa okulabirira mukyala we Ssonko amufumbizza EWA Kangaawo anti kivaamu ebizibu ebirala ebiranda
- Okukozesa obubi obugagga akozesa Ssonko ensobi okusobola okumutwalako Nakiganda.
- Obulimba Kaddulubaale okulimba nti Nakiganda afudde kivaako ebintu okulanda

- Obukodo anti Kaddulubaale bw'alemwa okuwa ku Nassaza ku bintu byafuna okuva ewa Kangaawo olwo.ne Nassaza bwafuma omukisa ogufumbiza Nakiganda ewa Kangaawo nay akkiriza.

## ENTIKKO MU MUZANNYO

Entikko kye kitundu mu muzannyo omulamwa omukulu we guviirayo, ewaba okuttaanya ebiba bitategeerekese mu muzannyo ate n'ensasula y'abazannyi.

Mu muzannyo Namulanda entikko yeeyolekera mu mu kitundu ekyokutaano/ekisembayo we tulabira Kabaka Ssemakookira w'aweera abasibe omukisa ne baddamu ne beewozaako okutuusa w'abasalirira omusango gw'okuttibwa nga bannyikibwa mu nnyanja Nalubaale. Bino bye byeyolekera ku ntikko eno:

- Kizuuka nti Ssonko yaziika omuteteme n'alimba abantu nti baziise Nakiganda
- Kizuuka nti Kaddulubaale ne Ssonko baali mu kkobaane ey'okuziika omugogo
- Kizuuka nti Kaddulubaale ye yaleeta omugogo n'aguzinga nga omufu
- Kizuuka nti Ssonko ye yalagira Kaddulubaale azinge omugogo mu mbugo
- Kizuuka nti Ssonko yagabira Kangaawo muka Makamba/Nakiganda mu nkukutu
- Kizuuka nti Kangaawo yabeeba Ssonko amuwe muka Makamba
- Kizuuka nti Kaddulubaale ye yasomololerera Makamba ebyama by'omu maka ga Ssonko byonna
- Kizuuka nti Kaddulubaale yali ayagala kuwoolera ggwanga kubanga Kangaawo yali awasizza omukazi omulala nga takyamuwa byabugagga
- Kizuuka nti Makamba ye yatega Namulondo enjingirire mu nsiisira ya Kangaawo
- Kizuuka nti Kaddulubaale yeekobaana ne Makamba okujingajinga Namulondo
- Kizuuka nti Kaddulubaale ateekateeka olukwe olw'okutemula Kangaawo
- Kizuuka nti Kaddulubaale yeekobaana ne Makamba batemule Kangaawo
- Kizuuka nti Kaddulubaale ye yaleeta ekiteeso ky'okuyita Buuza
- Kizuuka nti Kangaawo yawaayirizibwa buwaayirizibwa nti yali ayagala kuvuunika Namulondo
- Kizuuka nti Kaddulubaale ye yabuulira Makamba nti Kamaanya ali mu kisaakaate kya Kangaawo
- Kizuuka nti Makamba ye yaleeta erinnya lya Makamba
- Kizuuka nti Kaddulubaale yalagirira Makamba ensiisira ya Nakiganda gy'eri

- Kabaka Ssemakookiro abasalira omusango bonna ne gubasinga era n'alagira Bbuuza abannyike mu nnyanja

## ENGERI OMULUGUBE GYE GWEYOLEKEDDE MU MUZANNYO NAMULANDA.

- Omulugube y'engeri omuntu gy'ayagalamu ebintu ekisusse wamu nebyo by'atagenda kukozesa .omuwandiisi atwolese omulugube mu ngeri zino wammanga:
- Kangaawo okwagala okuwasabnakiganda kyokka nga yawasa dda Nakiwala.
- Kaddulubaale okwagala okwogera okufuna ebyobugagga okuva EWA Kangaawo kyokka ngalina anti Alina ente 300 kyokka ayagala endala.
- Ssonko okufumbiza muwala we emirundi ebiri kwagala kufuna bya bugagga kyokka nga yafuna dda ku Nakiganda okuva ku Makamba.
- Nassaza okukkiriza Nakiganda ofumbirwe Kangaawo kwagala kufuna bya bugagga.
- Kaddulubaale omulugube gumutuusa okugenda EWA mukoddomi we Kangaawo amanye ensonga lwaki takyamuwa bya bugagga.
- Olwokwagala.okufuna ebyobugagga Nassaza akkiriza okubika muwala we nti afudde olwo afumbirwe Kangaawo afune ebyobugagga.
- Kaddulubaale ateeka akatebe mu nsiisira ewa Nakiganda lwa kwagala kulumya Kangaawo olw'okuba takyamuwa bya bugagga.
- Kaddulubaale Alina ebintu bingi naye tawaako munne Nassaza ekyoleka omulugube.
- Ssonko olwomulugube taweereza Bintu waabwe wa mukyala we Nassaza kyokka ngabirina bingi.
- Makamba aggyibwako omukyala lwa kuba mwavu talina kaweereza ku buko. Anti bazadde ba mukyala we balina omulugube.
- ENGERI Kaddulubaale gyasika endeku yomwenge ku Nakiganda eyoleka omulugube kata anywe nobutwa.
- Ssemakookiro okutabaala ebintundu ebyenjawulo okwogera okufuna ettaka- Makamba agenda mu ntabaalo ezenjawulo.
- Ssonko olwokwagala ebintu avuma mukoddomiwe Makamba.
- Olwomulugube muliraanwa wa Ssonko mmiiro enkoko agiseera Kangaawo.
- Kaddulubaale agaana Nakiganda okugenda okulanku munne Nakiwala mbu ajja kulya embuzi omuko gye yandimuweerezza.

## EBYOKUYIGA MU MUZANNYO NAMULANDA

- Okuwuliriza ababa bazizza emisango anti Ssemakooiro awuliriza abamusobya era abamu n'abasonyiwa gamba nga Nakiganda ne Nakiwala
- Okwewala okunywa nnyo omwenge ogussujjiridde anti Kaddulubaale gumuwoomera nnyo.(pg 49)
- Okuba abagumiikiriza wadde makamba awaayirizibwa okutta mukaziwe, naye agumiikiriza okutuuka amazima lwe gazuuka.
- Okwewala obuggya obususse anti Kaddulubaale abulaga eri Nassaza
- Okwewala obulimba anti Ssonko bwalimba nti Nakiganda yafa ekimuviiramu okunnyikibwa mu nnyanja
- Okussa ekitiibwa mu byobuwangwa anti Kaddulubaale assa ekitiibwa wamu n'okukkiririza mu balubaale
- Okwewala obunanfuusi laba Ssonko bwatuuka okulya ebyobuko emirundi ebiri. Ku muwala omu.
- Okwewala okwagala ebyobugagga ekisusse yensonga lwaki Nassaza akkiriza ate Nakiganda aweebwe Kangaawo mbu naye afune ku byobugagga.
- Okwewala enkwe anti Ssonko atuuka nokubika muwala we nti afudde kumbe ayagala kumufumbiza eri kangaaawo
- Abantu okubeera nobufumbo anti Ssonko mufumbo anti
- Abantu okumatira ne kye tulina Ssonko alemwa okumatira ne kyalina awunzika agabye Nakiganda omulundi ogwokubiri.
- Okubeera nomukwano eri abaagalwa baffe gamba nga bakyala ba Ssonko ri bbaabwe  anti bamunywesa ne ku mmazzi ku lwendo
- Okwetonda nga tusobezza anti Nakiganda yeetonda eri ssemakookiro ngazinidde mu maaso ge
- Okwela ettemu anti Nakiganda ne Nassaza baagala okutemula Kadulubaale kyokka ate nnyina obutwa yabunywa
- Okubeera abakozi ennyo anti Kangaawo mukozi era mugagga anti mulunzi
- Okwewala obwenzianti Kangaawo bwasalawo okuganza Nakiganda ate ne kimuviramu obuzibu.
- Okwewala okwetuusaako obulabe nga tufunye obuzibu anti Nassaza anywa obutwa nga Ssemakookiro amuyise osanga yandimusonyiye.

- Okugoberera obulombolombo anti Ssonko afuna ebyobuko bya mirundi ebiri ku muwala omu ekiitali kituufu.
- Okwewala okukonjera bannaffe anti Makamba bw'akonjera Kangaawo nga bw'ayagala okulyamu Ssemakookiro olukwe awunzika afunye obuzibu ne Ssemakookiro.
- Okuwa amaka ekitiibwa anti Kaddulubaale ne Ssonko wamu ne Nakiganda, Kaddulubaale bwe bazannyira ku maka Ssemakookiro ababonereza.(pg 71)
- Okwewala okuzannyira ku bintu ebiyinza okuleeta obuzibumu nsi laba Kaddulubaale bwe bazannyira ku Namulondo kabaka anyiiga era agaana okubasonyiwa.
- Okulowoozanga ku biki bye tugenda okukola na kiki ekiyinza okuvaamu anti Ssonko ne Kaddulubaale tebalowooza ku kiyinza kuva mu kufumbiza Nakiganda/kubika Nakiganda (pg 68)
- Okuwa abako ekitiibwa ne bwe baba baavu laba Kaddulubaale bwayita makamba (pg 3)

## EBYOBUWANGWA MU MUZANNYO NAMULANDA

- Empisa y'okutwala omulangira anaalya eŋŋoma mu busaakaate by'abaami nanti omulangira Kamaanya atwalibwa mu kisakaate ewa Kangaawo
- Enkozesa yebisoko wamu nengero( pg 9)
- Emirimu gy'Abaganda omuli okulima n'okulunda anti Kangaawo mulimi ate era mulunzi
- Ennyambala yabaganda - okwambala embugo era Kangaawo ne ssomko bazirina
- Ekitiibwa Kya Kabaka - Kaddulubaale ne Ssonko beeyanza nga bulungi Kabaka ky'abagamba era kino kyeyolekera ku mannya ge bamuyita (pg 71)
- Amannya agaweebwa abakyala mu maka okugeza Ssonko alina Kaddulubaale ne Nassaza
- Amannya agatuumwa/agayitibwa Kabaka okulaga ekitiibwa kye okugeza Sseggwanga (pg 71,70)
- Empisa ya bannazaala okuwa abako ekitiibwa  anti Kangaawo bwatuuka Kaddulubaale yeebikka olubugo
- Empisa y'abaami ba Kabaka okukiika embuga - Kangaawo akiika embuga/mu lubiri lwa ssemakookiro e kasimbiri.
- Empisa y'obufumbo anti Makamba mufumbo eri Nakiganda ate ne Ssonko mufumbo Nassaza ne Kaddulubaale
- Empisa y'okusajjalaata Ssonko alina Kaddulubaale ne Nassaza.

- Okulanya eri Kabaka anti Kaddulubaale alanya ewa Kabaka (pg 58).
- Empisa yokukubagiza anti Ssonko bw'abika Nakiganda anti Makamba ajja okukubagiza ku buko

## EMIRAMWA MU MUZANNYO NAMULANDA

*Zino z'empagi enkulu omuzannyo kwe gutambulira era ze zino wammanga.*

- Ettemu anti Nassaza yetta, anywa omwenge ogwalimu obutwa olw'okuba Kabaka amutumizza
- Obutaagaliza - Kaddulubaale tayagala Nakiganda kubeerako bulungi.
- Obulimba Kaddulubaale ne Ssonko bombi balimba nti Nakiganda afudde
- Obuyinza bwa Kabaka anti asonyiwa Nakiganda ne Nakiwala
- Obwenzi n'obuzibu obujja oluvannyuma  anti Kangaawo bwaganza Nakiganda mukyala Makamba awunzika atwaliddwa ewa Ssemakookiro
- Enkwe  anti Ssonko alyamu Makamba olukwe n'afumbiza mukyala we ewa Kangaawo
- Obukozi anti Kangaawo mukozi era mugagga
- Obukulu bwe byafaayo anti omuzannyo gutambulira ku kyafaayo ekikulu ekyaliyo Ssonko okugaba muwala we omulungi ogwokubiri.
- Akabi akali mu kwagala ennyo ebyenfuna Ssonko okugaba omuwala omulundi ogwokubiri.
- Obuggya mu bakyala Kaddulubaale ne Nassaza beevuma olutakya.
- Obunnanfuusi mu bantu laba Ssonko bwe yeefuulira Makamba n'agaba mukyala we eri Kangaawo
- Obukulu bw'amaka n'okufimbirwa Ssonko mufumbo (pg 70)
- Obukulu bw'ebika anti Bbuuza anoonya beddira nseenene

## ENZIMBA Y'ABAKYALA MU MUZANNYO NAMULANDA

Eno ye ngeri omuwandiisi gyatwoleseemu abakyala mu MUZANNYO okusinziira ku Niki bye boogera, bye bakola, bye baboogerako. Mu bakyala mulimu bano wammanga:

- Kaddulubaale
- Nassaza
- Nakiwala
- Nakiganda
- Ndwaddeewazibwa

- Omuwandiisi abazimbye bw'ati mu muzannyo.
- Bagumiikiriza - Nakiganda agiikiriza obwavu bwa Makamba
- Bafumbo- Nakiwala mufumbo EWA Kangaawo
- Balina omukwano eri ba bbaabwe - Nassaza ne Kaddulubaale banywera ku bbaabwe amazzi ku lwendo (pg 5).
- Bawa ba bbaabwe ekitiibwa- Nakiganda wadde bbaawe mwavu naye era amuwa ekitiibwa.
- Batemu - Nassaza yetta olw'okuba bamuyise embuga
- Bakkiririza mu byobuwangwa anti Nassaza tasemberera Kangaawo anti muko.
- Baagala nnyo ebyobugagga anti Nassaza akkiriza Nakiganda afumbirwe Kangaawo lwa kwagala kufuna ebyobugagga.
- Teebeesalirawo - Nakiganda ku kufumbirwa Kangaawo
- Balina obuggya - Nassaza ne Kaddulubaale
- Balimba - Kaddulubaale alimba nti Nakiganda afudde era nazimga nomuteteme
- Balina empisa - Nakiganda akulisaayo taata we ( pg 5)
- Bafaayo ku ba bbaabwe nga Bali mu buzibu - Nakiwala agaana okulekawo bbaawe ye nga Kabaka amaze okusonyiwa (pg 65).
- Bamanyi okutontoma era nokuyimba Kaddulubaale (pg 64).
- Banyumirwa okubawaana Nakiganda anyumirwa/aseka nga Ssemakookiro amuwaanye pg (62).
- Bagagga anti Kaddulubaale alina ente eziwera 300 wamu n'embuzi nnyingi (pg6)
- Bazadde anti Nassaza alina Nakiganda ate ne Kaddulubaale alina Nakiwala
- Balina enkwe anti Kaddulubaale abuulira Makamba nti mukyala we Nakiganda Kangaawo yamufumbiza EWA Kangaawo.
- Balina olugambo - Kaddulubaale abuulira Makamba ebyakolebwa byonna
- Balwanyi Nassaza ne Kaddulubaale balwana
- Banywi ba mwenge Kaddulubaale ne Nassaza
- Bavumi Nassaza ne Kaddulubaale beevuma olutatadde.
- Bakodo anti Kaddulubaale Alina embu nnyingi naye tasobola kuwaako ki munne Nassaza
- Bawaayiriza Kaddulubaale
- Bamanyi ebifa ku bika byabwe - Kaddulubaale

- Balina omutima omusaasizi - Kaddulubaale asaasira bba nga bamututteu maaso ga Ssemakookiro.

## EBYEGOMBESA KU BAKYALA ABALI MU MUZANNYO NAMULANDA

- Balina empisa –Nakiganda akulisaayo taata we (pg5).
- Bafaayo ku ba bbaabwe nga bali mu buzibuanti Nakiwala agaana okulekawo bba Kangaawo nga ye bamaze okumusonyiwa
- Bamanyi okuyimba wamu nokutontoma Kaddulubaale (pg 64).
- Banyumirwa okubawaana  Nakiganda aseka nga ssemakookiro amuwaanye(pg62)
- Bagagga anti Kaddulubaale alina ente nga 300 wamu nembuzi eziwera
- Bazadde era balina abaana okugeza Kaddulubaale alina Nakiwala
- Balina omutima omusaasizi anti nakiwala asaasira bba nga bamutwala mu maaso ga ssemakookiro.
- Bamanyi ebifa ku bika byabwe –Kaddulubaale ngali mu kulanya ewa ssemakookiro

## EBITEEGOMBESA KU BAKYALA ABALI MU MUZANNYO NAMULANDA

- Batemu –Nassaza ne nakiganda baagala okutta Kaddulubaale nga bamuwa omwenge ogulimu obutwa/Nassaza yetta nga bamuyise ewa ssemakookiro.
- Bawaayiriza –Kaddulubaale okuwaayiriza Kangaawo nti yali ayagala kulyamu ssemakookiro likwe ngatuuza omulangira kamaanya ku namulondo.
- Bakodo –Kaddulubaale alina embugo nnyingi naye tasobola kuwaako na munne nassaza
- Baagala omwenge ekisusse –laba Kaddulubaale bwasika endeku ku nakiganda
- Balina obuggya nakiwala ne nakiganda /kadulubaale ne nassaza
- Balimba kaddulubaaale alimba nti nakiganda afudde
- Tebawa bako kitiibwa –kadulubaale avuma bba wa nakiganda
- Balina olugambo –Kaddulubaale abuulira Makamba ebifa mu maka ewa Ssonko natuuka nokumanya nti nakiganda teyafa era mulamu.
- Balwanyi –Kaddulubaale ne Nassaza balwana
- Bavumi –Kaddulubaale avuma Kangaawo mbu afuntire muli entama(pg59)
- Bawaayiriza –kadulubaale awaayiriza Kangaawo

## ENZIMBA Y'ABASAJJA MU MU MUZANNYO NAMULANDA

Omuwandiisi atulaze abasajja abenjawulo mu muzannyo omuli; Kangaawo, Makamba Ssemakookiro, Ssonko era abazimbye bw'ati

- Bagagga anti aKangaawo alina ente wamu nembuzi eziwera
- Baagala abakyala-Kangaawo alina nakiwala naye ate era ayagala okufuna nakiganda
- Baagala ebyobugagga  ekisusse – Ssonko afumbiza muwala we nakiganda ewa Kangaawo kwagala kufuna bya bugagga
- Bafumbo –Ssonko mufumbo eri Nassaza wamu ne Kaddulubaale
- Tebassa kitiibwa mu bya buwangwa –Ssonko afuna ebyobuko bya mirundi ebiri ku muwala omu(Nakiganda)
- Balimba –Ssonko alimba makamba nti mukyala we yafa kyokka nga mulamu yamufumbiza dda ewa Kangaawo
- Batemu –ssemakookiro alagira Bbuuza annyike Kaddulubaale, Kangaawo ne Ssonko mu nnyanja.
- Baavu laba Makamba tasobola na kufunira mukyala we mbugo kwebikka
- Balina obusungu obwettumbiizi-Makamba ayagala kutta Kangaawo
- Baagala bakyala baabwe- Ssonko ayagala bakyala be
- Bassa ekitiibwa mu byobuwangwa –Makamba ajja ku buko okukubagiza nga mukyala we mbu afudde.

## EBYEGOMBESA KU BASAJJA MU MUZANNYO NAMULANDA

- Bagagga –Kangaawo ne Ssonko
- Balina omukwano eri bakyala baabwe –makamba anti afuba okulaba nga amwediza
- Bafumbo –Ssonko mufumbo eri nassaza ne Kaddulubaale
- Bakozi –Kangaawo mulunzi ate mulimi
- Baagala abaana baabwe –Ssonko ayagaliza muwala we nakiganda abeerko mu mbeera ennungi.
- Beetegereza ensonga/basonyiwa –ssemakookiroasonyiwa nakiwala ne nakiganda

## EBITEEGOMBESA KU BASAJJA ABALI MU MUZANNYO NAMULANDA

1. Baagala nnyo ebyenfuna-Ssonko
2. Baagala abakyala –Kangaawo kwegomba nakiganda kyokka nga muka makamba
3. Balina obusungu obwettumbiizi-makamba ne Ssemakookiro
4. Tebawa bakulu kitiibwa –laba Kangaawo bwawanyisiganya ebigambo ne semakookiro
5. Baavu –makamba alemwa okulabirira mukyala NAkiganda
6. Tebassa kitiibwa mu byabuwangwa- Ssonko afuna ebyobuko bya mirundi ebiri ku muwala omu (Nakiganda).
7. Batemu anti semakookiro alagira BBuuza agende annyike Kangaawo ne Kaddulubaale mu nnyanja.

## ENZIMBA Y'ABAZANNYI MU MUZANNYO NAMULANDA

Eno y'engeri omuwandiisi gy'atwolekamu abanzannyi nga tusimziira ku bye boogera, bye bakola, bye baboogerako. Omuwandiisi azimbye bw'ati abazannyi be mu muzannyo.

1. **Kaddulubaale:**

Ono ye mukyala Ssonko asooka/omukulu era maama wa Nakiwala .Omuwandiisi amuzimbye bw'ati.

- Mugagga - Alina ente 300 wamu n'embuzi eziwera( pg 6)
- Mukodo - ku mbugo z'alina ennyingi wamu n'embuzi tawaako munne Nassaza
- Alina omukwano eri bba - akaayama ne Nassaza mu kunywesa bba amazzi ku lwendo/ bakayaana ku alina okuleetera Ssonko amazzi.
- Mufumbo anti ye mukyala Ssonko omukulu.
- Mulwanyi anti alwana ne Nassaza olwa Nakiganda okufumbirwa ewa Kangaawo.
- Alina omukulu gw'ebyenfuna- anti ku bintu by'alina akyayagala ebirala okuva ewa Kangaawo.
- Muvumi - avuma Nakiganda okumumunyaza agamwa (pg 3).
- Amanyi okutontoma- atontoma nga ng'ayaniriza Kangaawo.
- Wa lugambo- anti abuulira Makamba buli kimu ekifa mu Maka ewa Ssonko Makamba atuuka n'omumanya nti Nakiganda mulamu.
- Wa buggya -anti tayagala Nassaza awe Ssonko mazzi.

- Awaayiriza - Awaayiriza Makamba nti ye yatwala akatebe akamagulu asatu mu kisaakate ewa Kangaawo kyokka nga ye y'amugamba.
- Mulimba – bw'atema omulanga nti Nakiganda afudde aba alimba.
- Amanyi ebifa ku kika kye - alanya ewa Kabaka Ssemakookiro.
- Amanyi okuyimba wamu n'okutontoma (pg 20)
- Ayagala nnyo omwenge - anti asika endeku ku Nakiganda erimu omwenge (pg50).

2. **Ssonko**: Ono ye bba wa Kaddulubaale ne Nassaza era taata wa Nakiganda ne Nakiwala. Omuwandiisi amuzimbye bwati:

- Musajja mufumbo - ye bba wa Kaddulubaale ne nassaza
- Muzadde ye taata wa Nakiganda wamu ne Nakiwala
- Ayagala nnyo ebyenfuna anti agaba Nakiganda omulundi ogwokubiri lwa kwagala kufuna bya bugagga.
- Tassa kitiibwa mu bya buwangwa anti alya ebyobuko bya mirundi ebiri.
- Alina omukwano eri bakyala be
- Alina effugabbi - ewaka kyalagidde tewali agaana afumbiza Nakiganda ewa Kangaawo.
- Mulimba -alimba ba muliraanwa bwabika Nakiganda nti afudde kyoka nga amufumbizza EWA Kangaawo.
- Alina enkwe - alyamu Makamba olukwe bwafumbiza mukyala we ewa Kangaawo
- Ayagaliza abaana be( pg17)

3. **Nassaza:** Ono ye mukyala Ssonko wookubiri oba omuto era ye mama wa Nakiganda. Omuwandiisi amuzimbye bwati

- Mufumbo- ye mukyala Ssonko
- Muzadde - anti ye mama wa Nakiganda
- Ayagala nnyo ebyenfuna - akkirisa okufumbiwa Nakiganda EWA Kangaawo asobole naye okwefinira ku Bintu ebingi Kangaawo byagaba.
- Mutemu alagira Nakiganda okuleewta omwenge ogulimu obutwa batte Kaddulubaale/ yetta nga Ssemakookiro amuyise

- Mutitiizi- anywa omwenge ogulimu obutwa nafa kyokka nga tamanya oba. Baalimusonyiye
- Amanyi okuyimba wamu n'okutontoma (pg 21)
- Mulwanyi - olwobuggya alwana ne Kaddulubaale
- Tassa kitiibwa mu byabuwangwa - anti akkiriza muwala we afumbirwe Kangaawo kyokka nga yali yamugamba dde EWA Makamba.
- Wa buggya anti akkiriza Kangaawo atwale Nakiganda asobole okulumya Kaddulubaale.

4. **Kangaawo**: Ono ye mwami wa Kabaka Ssemakookiro era mukoddomi wa Ssonko era bba wa Nakiwala. Omuwandiisi amuzimbye bwati:

- Mwami wa Kabaka Ssemakookiro
- Mufumbo anti ye bba wa Nakiwala
- Mugagga Alina ente nnyingi wamu nembuzi
- Tawa bakulu kitiibwa laba bwawanyisiganya ne Kabaka ebigambo
- Awa ebyobuwangwa ekitiibwa anti atwala ebirabo mu bakadde abamuzaalira omukyala.

5. **Makamba:** Ono ye bba wa Nakiganda gyasooka okufumbiwa era mukoddomi wa Ssonko. Omuwandiisi amuzimbye bwati:

- Mufumbo anti ye bba wa Nakiganda
- Alina omukwano eri mukyala we afuba okulaba ngamweddiza
- Assa ekitiibwa mu buwangwa anti ajja okukubagiza mbu nga Nakiganda afudde.
- Alina obusungu obwettunbiizi anti ayagala okutta Kangaawo bwamanya nti ye yatwala mukyala we
- Mwavu anti tasobola kwambazaukyala.we bulungi
- Muyizzi - omukyala amuliisa nnyama njigge
- Tawa bazadde kitiibwa laba bwe yeetala ne Kaddulubaale EWA Kangaawo.
- Mulimba - alimba mbu Kangaawo ayagala kkutuuza mulangira ku namulondomuvumi anti avuma Kangaawo mu maaso ga Kabaka (pg69) gu Kangaawo.
- Awaayiriza anti Awaayiriza Kangaawo okwagala mbu okutuuza kamaanaya ku namulondo.

## EKISEERA KY'OMUZANNYO

Ebiri mu MUZANNYO biraga nti omuzannyo gwa kiseera nga Omuzungu tannajja okusinziira ku bino wammanga:

- Omulembe ogwogerwako gwa Kabaka Ssemakookiro eyafuga Buganda nga omuzungu tannajja.
- Abantu okutambula eŋŋendo empanvu .Nassaza okugenda gye bamuzaala okutwala.embugo nga Ssonko amutuma.
- Abantu okwambala embugo Kangaawo away Kaddulubaale embugo.
- Abasajja okuba nobuyinza obungi ku bakyala baabwe. Nassaza talina kyagaana nga Ssonko alagidde Nakiganda okufumbiwa Kangaawo.
- Abazadde okufumbiwa abaana baabwe mu basajja be bateesiimidde- Ssonko afumbiza Nakiganda EWA Kangaawo.
- Kabaka okuba nobuyinza obusukkiridde gamba nokusanyaawo obulamu bwabantu. Ssemakookiro alagira Bbuuza okunnyika Kaddulubaale ne banned mu nnyanja.
- Abasajja okuba nabakazi babiri mu nnyumba emu.- Ssonko Alina Kaddulubaale ne Nassaza mu nnyumba emu.
- Abantu okuba namannya gebika gokka. Nakiganda, Nakiwala tebalina mannya Malala gonna.
- Kabaka okuwozesa ababa bazizza emisango - Ssemakookiro awozesa Kangaawo ne Makamba wamu ne Ssonko.
- Abaami ba Kabaka okuba n'ekibisakaate Kangaawo alina ekisakaate omuli bakazi be.
- Abasajja okugenda okutabaala nga Kabaka abatumye- anti Makamba Kabaka amutuma.okugenda.okutabaal e Busongole n'e Kyaggwe (pg 28).
- Entabuza y'obubaka anti Kabaka atuma bantu ne batambula okutuuka obubaka bwayagla eri obuganda - atumira Makamba abaka okumutegeeza okugenda okugenda okutabaala.
- Kabaka okuba nabambowa abakambwe ennyo Bbuuza mukambwe eri abasibe.
- Ebikozesebwa ebyogerwako byadda omuli embugo ...............
- Obulwadde obwogerwako si bwa biseera bino Nassaza agamba Makamba okusindika kawumpuli eyatta mukyala we.
- Ebintu ebitwalibwa ku buko byadda nnyo omuli embugo ennyingi.

## OBULIMBA MU MUZANNYO NAMULANDA

- Ssonko alimba Makamba nti mukyala we yali afudde so nga amufumbizza eri Kangaawo.
- Kaddulubaale okutema ulanga nti Nakiganda afudde bulimba bwennyini
- Kaddulubaale okusinga omuteteme ne baguziika.mbu baziika Nakiganda kwali kulimba bamuliraamwa.
- Kaddulubaale alimba Makamba nti Kangaawo yali amunoonya kumutta.
- Kaddulubaale ne Makamba okuteeka akatebe mu nsiisira ya Nakiganda ne bagamba nti Kangaawo yali agenda kutuusa kamaanaya ku namulondo anti baali balimba Kabaka.
- Nassaza alimba Kaddulubaale nti Kangaawo yali amuyise ewuwe asobole okupokera ebyobugagga ebirala (pg 34).
- Bbuuza alimba Kabaka nti abantu baali basazeewo nti abazizza emisango babatte.
- Bbuuza alimba Kabaka ngabantu bwe bamulisizza okutebuka olukwe lwa Kangaawo okutuuza omulangira kamaanaya kyokka tekyali kituufu.
- Nassaza alimba Makamba nti Kangaawo taliiwo kyokka nga mu lubiri mwali (pg 30).
- Makamba alimbibwa nga Ssonko bwe yamukyawa nga bwatayagala na kumulabako mbu ye yatta Nakiganda.
- Nassaza alimba Makamba nti Nakiganda yali yafa kawumpuli.
- Nassaza akakasa nti Makamba ye yatta Nakiganda kyokka ngamaza agamanyi nti gyali mulamu (pg 30).
- Nassaza alimba Makamba nti Kangaawo yamuwagalira.effumu lirye lyokka ntinera ayagala kumutta (pg 30).
- Nassaza alimba nti waliwo omusajja Kangaawo gwe yateekawo atte Makamba ng’amulabyeko ekitaalo kituufu (pg 31).